

# Akalulu ka Gabula Ssekukkulu akasembayo kakwatibwa leero

Siraje Kizito akola pulogulaamu Ekyenkya ne Ssebbowa nga bakwata akalulu.

Bya KIZITO MUSOKE

OLWALEERO (Lwakutaano) akalulu akasembayo aka 'Gabula Ssekukkulu mu Vayibu' lwe kakwatibwa ku kitebe kya Vision Group efulumya Bukedde mu Kampala.

Okusinziira ku mukung'aanya wa Bukedde, Michael Mukasa Ssebbowa akalulu ka leero kagenda kukwatibwa butereevu ku Bukedde Ttivvi ng'ensi yonna eraba mu Pulogulaamu y'ekyenkya ebeerawo okuva ku ssaawa 12.30 okutuuka ku ssaawa 4.00 ez'oku makya.

Abawanguzi ba leero bagenda kubeera bangi ddala (abantu 50), abagenda okwegatta ku bazze bawangula mu bululu obuzze bukwatibwa buli Lwakutaano. Amannya g'abawanguzi gonna gaakufulumizibwa mu Bukedde ku Wiikendi.

Ebirabo ebigenda okuwangulwa mulimu; enkoko kawoomera eza kkampuni ya Ugachick, Ttivvi enzijuvu eyaweereddwayo aba StarTimes nga kuliko dikooda, ekisowaani n'amasannyalaze g'enjuba. Waliwo ekyapa ky'ettaka ekigenda okuwangulwa e Gobero ku luguudo lw'e Hoima ekyaweereddwaayo kkampuni egula n'okutunda ettaka eya B-Clara Property Consultants n'ebirala.

Abawanguzi bonna bajja kuweebwa ebirabo byabwe ku Mmande nga December 22, 2025 ku kitebe kya Vision Group ku ssaawa 4:00 ez'oku makya. Buli muwanguzi anajja ku Mmande asabiddwa okutambula n'ebimwogerako nga densite y'eggwanga ebikakasa nti ye mutuufu.

Ssebbowa yagambye nti ***Bukedde*** yandyagadde okusiima abantu bonna abagiwagidde mu mwaka naye terina busobozi ky'eva esalawo okukozesa enkola y'akalulu olwo bannamukisa ne bawangula. Yagambye nti balina enteekateeka z'okubeera n'obululu obuwerako kyongere emikisa eri abasomi bonna.